


# Eyasubiddwa obuwumbi 2 abuuseyo na bukadde 685

OBA lyabadde ssanyu oba nnaku? Tekyategeerekese ku byombi ng'omuwanguzi okuva e Gayaza awangula obukadde 685 kyokka n'asubwa obuwumbi 2!

Nnamukisa ono akapapula ke yakataddeko emipiira 33 ng'okusinga yettanidde 'full-time win' ne 'goal-goal'. Mu 3,000/-, yasibye lisiiti eyasoose n'agyozezzaamu emirundi 2.

"Natuuse akaseera nga ndaba lisiiti zonna ziriko obukadde 5 buli emu. Nasazeewo okukola 'Cash Out' ku lisiiti 2 ate emu (nnamba 360663616461026730) ne ngireka n'etambula.

Kyambuuseeko eno bwe yawangudde. Mba kuzirekayo zonna, nabadde waakuwangula kkaasi asoba mu buwumbi 2," omuwanguzi bwe yagambye ng'akwasibwa kavvu we.

"ŋŋ'enda kugulako ennyumba ewedde okuzimba, ngulireko kitange mmotoka okumuyambangako okugenda mu ddwaaliro ate endala nziteeke mu bizinensi," bwe yagasseeko.


Abeetegereza odi za beetingi.